# ENNAMBIKIRO YA SSAABATAKA




## EBYAFAAYO BY'OBUSIKA, OBUNTUBULAMU BW'OMUSIKA N'ENSIKIRANO Y'OMUGANDA, OBUGANDA N'OBWAKABAKA



Mukulukusabitungotungo (October) 2023

# BASSEKABAKA BA BUGANDA



# ENNAMBIKIRO YA SSAABATAKA

# EBYAFAAYO BY’OBUSIKA, OBUNTUBULAMU BW’OMUSIKA N’ENSIKIRANO Y’OMUGANDA, OBUGANDA N’OBWAKABAKA

**Mukulukusabitungotungo 2023**

## Nnyini bunkumu (Copyright) 2023

Katwere Musajjaakaawa (+256 704 801313)

**Omukubisa**

Angel Agencies Ltd

Plot 59, NDA Building Nkrumah Rd.

P.O.Box 30091, Kampala

Tel +256 414 348 600, 772 509 931/41, 702 740 699

Email: sales@angelagencies.co.ug, kajoy2007@gmail.com

Kifulumiziddwa omulundi ogusooka mu October 2023

**Ssekkono tawaanyisibwa. (Copyright)**

Tokkirizibwa kukubisa, kwokesa oba okukoppolola ekitabo kino, wadde okukyongeramu oba okusalako ku birimu, oba okukyusa mu lulimi olulala, wadde okubikwata ku lutambi nga tofunye lukusa mu buwandiike, okuva eri omuwandiisi. Kyokka oyinza okujuliza ku biwandiikiddwa kasita olaga erinnya lyomuwandiisi n'ekitabo kye.

Kitereezeddwa Ssemwezi Robert Lutaaya Tebajjanga mu mpandiika y'Oluganda.



# OBUBAKA BW'OMUTAKA NAKIGOYE

Ku lw'Olukiiko oluteesiteesi, olw'Omusomo ku mulamwa "OBUSIKA MU BUGANDA MUSINGI GWA BUNTUBULAMU', mu Lubiri e Mengo, mu mwezi gwa Mukulukusabitungotungo (October) 2023, awamu n'Olukiiko lw'Abataka Abakulu b'Obusolya, nneebaza bonna abasobodde okwetuusaako ekitabo kino.

Nga nesigama ku muzzukulu Katwere Musajjaakaawa, Ekitabo kino kirambulula ebyafaayo by'olubereberye lw'Eggwanga lyaffe n'entandikwa y'Obwakabaka bwaffe. Ebyafaayo byaffe bikuumirwa mu Nsikirano z'Ebifundikwa bya Kabaka (Nnamulondo), Abalangira Abakulu ab'Emituba gya Bassekabaka, n'Abataka Abakulu b'Obutaka bw'Ebika. Wabula ensangi zino, Abazzukulu bangi batankana Emizizo n'Obulombolombo bw'Obuwangwa n'Ennono yaffe.

Awo nno kituufu era kisaanidde, okutandikawo enteekateeka okuwandiika ebyafaayo byaffe, kisobozese okulambika Bazzukulu baffe, okubalunngamya n'okubawabula bulijjo.

Obusika y'enteekateeka okukuuma ebyafaayo, okubituusa ku kutegeka Omusika okumunywereza mu mpisa okubeera n'Obuntubulamu okuyimirizaawo ensegeka y'Ensikirano za bajjajjabe.

Nnina essuubi nti Ekitabo kino, kituwadde obuufu wa wetuyinza okutandikira okuzuula ensobi ezakolebwa bajjajjaffe, naffe okusobola okubbulula Ennambiko, Emirunngamyo n'Emiwabulano gy'Obuwangwa, Ennono, Emizizo n'Obulombolobwo bw'Eggwanga lyaffe n'Obbwakabaka bwaffe, ng'Ensikirano z'Olubereberye bwezalagira.

Nneebaza Omuwandiisi w'Ekitabo kino, webale nnyo.

Abazzukulu mwenna mu Bika, Olulyo lw'Abalangira, n'Abemikago, mbebaza byonna bye mukoledde Omuzukulu Katwere Musajjaakaawa, okusobola okunoonyereza ku byafaayo bya bajjajjaffe n'Okuwandiika Ekitabo kino.

Mwenna mbagliza okusoma ekiwandiiko kino.

Ssaabasajja Kabaka, Ssaabataka Awangaale.

**Omutaka Nakigoye, Nabbimba Samson Lukabya**

**OW'AKASOLYA K'EKIKA KYE KINYOMO**

# OBUBAKA BW'OWOMUTUBA GWA SSEKIREVU MU SSIGA LYA KINKUMU KITUMBA MU KIKA KY'ENNGONGE



Neebaza nnyo omuwandiisi Omuzzukulu Katwere Musajjaakaawa olw'omulimo gwakoze. Okuwandiika ebyafaayo tekyetaaga nsimbi zokka; wabula okwewaayo, n'okwerekereza obudde obuwerako.

Obutafaananako ng'abayiiya eby'okuwandiika ebya Katemba oba Ebitontome, okuwandiika ebyafaayo by'Ennono oba eby'Obuwangwa oteekeddwa okutuukirira Abakulu ab'enjawulo okusobola okugusa ensonga.

Nneebaza bajjajjaffe Abataka Abakulu b'Obusolya abategese Omusomo ku mulamwa "Obusika mu Buganda Musingi gwa Buntubulamu", ogutuukiridde "Ebyafaayo by'Obusika, Obuntubulamu bw'Omusika n'Ensikirano y'Omuganda, Obuganda n'Obwakabaka." Anti Abataka tuvunanyizibwa okukuuma Ennono, Obuwangwa wamu n'Obulombolombo bw'Eggwanga lyaffe n'Obwakabaka bwaffe. Mu kaweefube w'okunyweza Ennono wamu n'Obuwangwa kikuklu nnyo ku mulembe Omutebi, okussaawo emisomo n'okugituusa mu byalo, okutumbula okumanya n'okutegeera mu bazzukulu bonna.

Olw'enkyukakyuka ezijja zibaawo okuva ku mulembe ogumu okudda ku mulala, mu Buganda tukyalina obuzibu bw'okwawula ebifundikwa by'Obuzaale ku by'Obuzaaliranwa. Ekyo kituviriddemu akabaate mu Bika byaffe ensangi zinno. Awonno ennambiko bweeti nkulu nnyo. Bajjajjaffe Abataka ab'Obusolya mbasaba bongere okulambika abazzukulu ku buvunnayizibwa bw'Ebifundikwa by'obuzaliranwa.

Neebaza nnyo Ssabasajja olw'okulambika obulungi Obuganda, jjuuzi bwe yatukubiriza "obutabongoota"; era n'atukkatiriza okunywerere ku byafaayo by'Obuwangwa, Ennono, Emizizo n'Obulombolombo bw'Eggwanga lyaffe. Amazima mu buufu obwo, tujja kunyweza OBUMU bw'Eggwanga lyaffe n'Obwakabaka bwaffe, tusobole okuggumizza ekitiibwa kya Nnamulondo.

**Ssabasajja Kabaka Awangaale**

Omutaka Ssekirevu, Jjemba David Mwavutakwana

**OW'OMUTUBA GWA SSEKIREVU**

# OBUBAKA BW'OMUWANDIISI



Nnina Essanyu okubaaniriza, n'okubalamusaako mwenna Abasomi Bekitabo kino.. Mu kiwandiiko kino nkowoola Olukiiko lwa Bajjajjaffe Abakulu b'Obusolya bw'Ebika okufunvubira okutebenkeza Nnamulondo ku Masiga gaayo: Ssaabalongo, Ssaabataka ne Sssaabasajja, ng'ebyafaayo by'entandikwa n'Ensikirano z'Eggwanga ly'Abaganda, Obuganda bw'Ebika n'Obwakabaka bwebiri. Abaganda bangi beeralikirivu nti "Obwakabaka bwolekedde okusaanawo olw'ensobi ezinaabudde Obuntubulamu mu bantu!"

Mu lubereberye, waliwo Endagaano ezakolebwa okutabaganya Endyo z'abantu abaalina EMIZE; nga bawalangananga n'okuttingana. Endagaano ezo y'ensibuko y'Abantu abatondawo EBIKA (OBUGANDA), OLULYO LW'ABALANGIRA (OMUGANDA) n'OBWAKABAKA (OBUMU). Byonna ebyakanyizibwako mu NDAGAANO, by'EBYAMA ebikuumibwa obutiribiri mu BIFUNDIKWA BY'ENSIKIRANO, okuva endagaano lwezaakolebwa okutuuka ku mugigi ogulliwo n'emigigi egiriddako. Wabula leero waliwo okutabunkana kw'Ebyama by'Endagaano ezo, n'obubulankana kw'Obuwangwa n'Ennono y'Abaganda n'Obwakabaka.

Ensangi zino, abantu banaabuse empisa, era tebakyalina BUNTUBULAMU. Embeera embi Abaganda n'Obwakabaka mwe bawangaalira yeyolekera mu bigambo bya Kabaka Muwenda Mutebi II ng'alajana nti "TALINA BUYINZA BUMUSOBOZESA OKWERINDA, OKUTAASA N'OKUKUUMA ABANTU BE"; era n'akowoola ABAGANDA okulondoola ABAAMI BA KABAKA.

Obuyinza bwa Kabaka n'Obuvunaanyizibwa bw'Obwakabaka buyimirizibwawo AMAANYI G'EBYAMA BY'ENDAGAANO ezakolebwa ku lubereberye lw'EGGWANGA OMUGANDA, N'OBUYINZA BW'OBUGANDA BW'EBIKA. Wabula waaaliwo era waliwo ENSOBI nnyingi ddala ezaakolebwa nga ne leero zikyakolebwa Bajjajjaffe ku mitendera gy'Ensikirano egitali gimu. Ensobi ezaakolebwa y'ensibuko y'emize EGYAVVOOLA EBYAMA BY'ENDAGAANO, okunafuya OBUYINZA BWA KABAKA N'OKUWABYA OBUVUNAANYIZIBWA BWA NNAMULONDO.

Awo nno okusobola okunyweeza n'okuggumiza OBUYINZA BWA KABAKA N'OBUVUNAANYIZIBWA BWA NNAMULONDO, Bajjajjaffe Abataka Abakulu Abobusolya n'Abalangira b'Emituba gya Bassekabaka, bateekeddwa okuzzaawo ENNAMBIKO, EMIRUNNGAMYO N'EMIWABULANO gy'Ensikirano y'Ebyama by'Endagaano ezaakolebwa bajjajjabwe ku lubereberye lw'entandikwa y'Eggwanga Omuganda, Obuganda bw'Ebika n'Obwakabaka.

Nneebaza nnyo abantu bonna, naddala abooluganda lwange n'Abemikwaano, Omuzzukulu Ssemwezi Lutaaya Tebajjanga, Katikkiro w'Omutuba gwa Ssekirevu, bajjajjaffe Abataka Abakulu Abobusolya bw'Ebika, Abalangira b'Emituba gya Basekabaka n'Abaami ba Kabaka, bentukiridde, nga nnoonyereza ku byafaayo by'Eggwanga ly'Abaganda, Obuganda n'Obwakabaka.

Kinnajjukirwanga nti Kabaka Muwenda Mutebi II, mu mwaka gwa 2023, ng'ajaguza Amatikira ge aga 30 mu Lubiri e Mmengo, ne bweyali aggulawo Olukiiko lwa Buganda olwa 31, yategeeza ABAGANDA nti "Katandika butandisi..., era nnaakatiriza Abantu bonna nti "... Temubongoota!"

Ayi Kabaka Wangaala

Nze Katwere Musajjaakaawa

**MUZZUKULU WA MUWANGA SSEBYOTO KISOLO E BWEZA, BUSUJJU**

(KATIKKIRO WA KABAKA KATO KINTU)

# EBYAFAAYO
## BY'OMUWANDIISI

Erinnya nze Katwere Musajjaakaawa, nga ndi MUSAJJA Mufumbo, era nina Abaana n'Abazzukulu. Ntuula mu Kibuga Entebe, mu Busiro.

Ndi mutabani w'Omugenzi Katwere Musajjakaawa Ssaalongo agalamidde ku mutala Kiwanyi, mu Buddu.

Muzukulu wa Lwotoowone agalamidde ku mutala Butalaga, e Bukomansimbi mu Buddu.

Muzzukulu wa Kaggwa Ssonko Ssaalongo agalamidde ku mutala Butale e Bukotomu Buddu.

Nva mu Nju ya Lutaaya Wavamunno Ssaalongo e Kiwanyi mu Buddu;

Mu Nnyumba ya Wagwenkuba e Makerere mu Kyaddondo;

Mu Lujja lwa Mwanamugimu e Nateete, mu Kyaddondo;

Mu Lunyiriri lw'Abakondere e Bulange mu Kyaddondo.

Nsibuka mu Mutuba gwa Muganga e Ffunvu mu Mawokota;

Mu Ssiga lya Ssenkungu e Lumuli mu Mawokota;

Ow'Akasolya ye Muwanga Ssebyoto Kisolo e Bweza mu Busujju.

Maama anzaala muzzukulu wa Mugema e Bbira mu Busiro; ng'azaalibwa muzzukulu wa Gabuunga e Buwaya mu Busiro.

Jjajjange eyayonsa kitange ye Nakayima, muzzukulu wa Kasujja e Bussujja, mu Ssiga lya Bakazirwendo mu Busiro.

Nneddira Nngonge, Akabbiro Kaneene.

Omubala gw'Ekika kyange guvuga nti, "Abakyanja Nkete.. Abakyanja Nkete; mwegali, amaanyi mwegali, mwegali amagezi mu bazzukulu ba Muwanga Ssebyoto Kisolo mwegali..!

Lwajjali, ku Lwajjali entabaalo za Buganda we zzaggwera..!

Bbe ppo Eddogo…. Ekirimala abasajja Nnyago..!

Yaaaaaaa… yaaaaaaaa…… yaaaaaaaaaaaa!"

# EBIRI MU KIWANDIIKO


**1.0 ENNYANJULA - AMAKULU G'OBUSIKA, OMUSIKA N'ENSIKIRANO ........................................ 9**

1.1 ENDAGAANO Y'OBUWANGWA (OBA ENSIBUKO Y'EBIZIBU) ........................................ 9

1.2 ENDAGAANO Y'ENNONO (OBA ENNYUNGIRIZO Z'EMPULIZIGANYA) ........................................ 10

**2.0 EBYAFAAYO BY'OBUSIKA, ABASIKA N'ENSIKIRANO MU GGWANGA LY'ABAGANDA ....... 11**

2.1 ENTEEKATEEKA Y'OBUSIKA MU BAGANDA ........................................ 11

2.2 ENTEGEKA Y'EBISANYIZO BY'OMUSIKA MU BAGANDA ........................................ 12

2.3 ENSENGEKA Y'ENSIKIRANO Z'ENDAGAANO Z'ABAGANDA N'OMWOYO ........................................ 13

**3.0 ENSENGEKA Y'EBIFUNDIKWA BY'OBUSIKA, OMUSIKA N'ENSIKIRANO YA NNAMULONDO, OLULYO LW'ABALANGIRA N'EBIKA ........................................ 14**

3.1 OMUSIKA N'ENSIKIRANO Z'EBIFUNDIKWA BY'OBUZAALE ........................................ 14

3.2 EBIFUNDIKWA BY'OBUSIKA, OMUSIKA N'ENSIKIRANO BY'OBUZAALIRANWA MU LULYO LW'ABALANGIRA ........................................ 15

3.3 EBIFUNDIKWA BY'OBUSIKA, OMUSIKA N'ENSIKIRANO BY'OBUZAALIRANWA MU BIKA ........................................ 15

**4.0 EMIKOLO OBA EMIZIZO N'OBULOMBOLOMBO BW'OKUZIIKA OMUFU N'OKUKAKASA OMUSIKA ........................................ 17**

4.1 EMIZIZO N'OBULOMBOLOMBO OBUTUUKIRIZIBWA MU OKUBIKA N'OKUZIIKA MU LULYO LW'ABALANGIRA N'EBIKA BY'ABAGANDA ........................................ 17

4.2 EMIZIZO N'OBULOMBOLOMBO OBUTUUKIRIZIBWA MU OKUBIKA N'OKUZIIKA MU LULYO LW'ABALANGIRA N'EBIKA BY'ABAGANDA ........................................ 18

**5.0 OMUTETENKANYIRIZO (SYSTEM) MU BWAKABAKA ........................................ 19**

5.1 BUWANGWA BW'ABAGANDA KABAKA ........................................ 19

5.2 ENNYUNGIRIZO Z'EMPULIZIGANYA Y'ABAAMI BA KABAKA OKUSSA MU NKOLA EBIRAGIRO BY'OBWAKABAKA ........................................ 20

5.3 EKIROWOOZO ERI BAJJAJJAFFE OKUTEEREZA EBYABASOBAKO ........................................ 22

# ENYINNYONNYOLA Y'AMAKULU G'EBIGAMBO EBIKOZESEDDWA

| | |
|---|---|
| **ENNAMBIKIRO** | Ebiteeeso by'Olukiiko Ebikannyziddwako (Endoboozi ly'Abataka Abakulu Ab'obusolya bw'Ebika, Obutaka n'Abazzukulu babwe bonna awamu) |
| **SSAABALONGO** | Ekifundikwa kya Kabaka ekyeyimirira ENDAGAANO y'Omwoyo n'Obwakabaka. |
| **SSAABATAKA** | Ekifundikwa kya Kabaka ekyeyimirira ENDAGAANO y'Omwoyo n'Abataka. |
| **SSAABASAJJA** | Ekifundikwa kya Kabaka ekyeyimirira ENDAGAANO y'Abataka n'Obwakabaka. |
| **OBUSIKA** | Okukuuma Ebyama by'Endagaano y'Omugenzi. |
| **OMUSIKA** | Omuntu akwasiddwa obuvunaanyizibwa okukuuma Ebyama by'Omugenzi okubituusa ku mugii oguddako ng'avudde mu bulamu. |
| **ENSIKIRANO** | Okulambulula Obusika oba Abasika okuva ku Musika eyasooka, eyaddako oba abaddako okutuuka ku Musika aliwo. |
| **EKIFUNDIKWA** | Akabonero k'Ekyambalo ekirina Erinnya ettongole ekyambazibwa Omusika, okukkaatiriza obuvunaanyizibwa bw'Ensikirano y'Ebyama by'Endagaano. |
| **OBUZAALE** | Okulambulula Ebyafaayo by'Omuntu okulambika Ensikirano z'Abazadde ne Bajjajja be okutuuka ku Jjajja we eyasooka okukola Endagaano ne Kabaka Kato Kintu okutandikirwako Ekika kye. |
| **OBUZAALIRANWA** | Okulambulula Ebyafaayo by'Omuntu akkirwako Omwoyo, okulunngamya Ebyama by'Endagaano y'Omwoyo n'Abataka okutandika Eggwanga ly'Abaganda n'Owakabaka. |
| **OMUGANDA** | Ebyama by'Endagaano y'okkaanya kw'Omyoyo okutandikawo Olulyo lw'Abalangira. |
| **OBUGANDA** | Ebyama by'Endagaano y'okukkanya kw'Ebika okutandikawo Obwakabaka. |
| **OBWAKABAKA** | Ebyama by'Endagaano y'Obuwangiro bw'Ennyungirizo y'Empuliziganya y'Olulyo lw'Abalangira n'Ebika okukolera awamu ku biragiro bya Kabaka ebirambikiddwa Abataka, ate ne birunngamizibwa Abalangira. |
| **ABAAMI BA KABAKA** | Abazzukulu okuva mu Bika abalondebwa Abataka b'Obusolya bw'Ebika, ne babasigira Kabaka okukola emirimu gy'Obwakabaka: Katikkiro, Abamasaza, Abamagombolola, Abemiruka, n'Abatongole ku byalo. |

## 1.0 ENNYANJULA - AMAKULU G'OBUNTUBULAMU BW'OBUSIKA, OMUSIKA N'ENSIKIRANO

Ensangi zino empisa zinaabuuse nnyo mu bantu; era Abaganda babutikiddwa emize nkuyanja egisaanyizaawo OBUNTUBULAMU mu bantu. Edda ennyo mu lubereerye lw'Eggwanga ly'Abaganda, Bajjajjajjaffe bassaawo enteekateeka y'OBUSIKA n'omutindo gw'empisa okukuuma ebyama by'omugenzi, ebikwasibwa OMUSIKA okuvunaanyizibwa okutegeka ENSIKIRANO nga bwe yasengekebwa okukuuma OBUNTUBULAMU n'obuvunaanyiziwa bw'ENDAGAANO ezakkaanyizibwako ng'omugenzi akyaali mulamu.

Ebyama ebikuumirwa mu ndagaano bye bissaawo OBUNTUBULAMU mu bantu okukolagana, okutegeeragana, okutabagana n'okuteeseza awamu mu kukkaanya. Endagaano y'ensikirano y'erambika okulunngamya n'okuwabula abantu okukolera awamu okwewala EMIZE; n'okusobola okubeera awamu okukuuma empisa ng'omugenzi bweyakolanga ng'akyaali mulamu. Omuntu akwasibwa obuvunaanyizibwa bw'ebyama by'Endagaano, ateekeddwa okubikuuma obutiribiri n'okubituusa ku migigi egiddako.

Waliwo ebiwandiiko, erinnya ettongole oba ennyambala ng'akabonero oba obubonero obukkaatiriza omuntu alondeddwa okusikira obuvunaanyizibwa bw'okukuuma endagaano. Enkola eyo, ewanirirwa ku mitendera gy'okukuuma ebyama by'endagaano, esibuka ku mugigi gw'abaaliwo, oguliwo n'okutuuka ku migigi egiddako eyitibwa ENSIKIRANO. Wabula buli Ggwanga, Enzikikiza oba Abantu abakkaanyizza okukolera awamu, bakola endagaano zanjawulo nnyo okuttaanya n'okunyweza bye bakkaanyaako.

### 1.1 ENDAGAANO Y'OBUWANGWA (OBA ENSIBUKO Y'EBIZIBU)

Waliwo endagaano za mirundi ebiri:

1. Endagaano z'Omwoyo n'Abantu okukuuma ebyama by'obuntubulamu;
2. n'Endagaano z'Abantu okubeera abawulize eri ebiragiro by'Ekyama.

Mu ndagaano z'abantu mulimu za bika bingi:

1. Ez'ebyobufuzi;
2. Ebyenfuna;
3. Eby'emirimu;
4. Okukwasisa n'okukuuma omutindo mu by'empisa, n'ebirala

Endagaano z'Omwoyo ze zaatandikirwako Amawanga, Enzikiriza oba Eddiini. Wabula Endagaano zonna zibaako obujulizi obulambika ensikirano n'okukuuma ebyafaayo (heritages) by'enkalizo y'obusinziro n'ensibuko y'ebizibu by'abantu abakkaanya. Obubonero obw'ensibo obujulira endagaano, buyitibwa OBUWANGWA bw'enkola, Eggwanga, Enzikiriza, Eddiini oba okukkaanya kw'abantu abaagitandikawo.

Abantu bonna abakwatibwako endagaano bavunaanyizibwa okuwuliziganya ku buli nsonga nga bayitira mu nnyungirizo z'empuliziganya entongole, ekiyitibwa ENNONO. Empuliziganya oba Ennono yekuuma obutiribiri amaanyi, obuyinza n'obuvunaanyizibwa okunywerera ku byama ebikusike. Ebyama ebyakukulirwa mu ndagaano, birambululirwa mu nnambiko y'Amaanyi, emirunngamyo gy'Obuyinza n'emiwabulano gy'Obuvunaanyizibwa bwa buli omu, nga bwe byateekebwatekebwa n'ebitegekebwa mu nsengeka y'entandikwa y'olubereberye lw'okukkaanya.

Wabeerawo emikolo egiteekeddwa okukolebwa n'okutuukirizibwa okunyweza amaanyi, obuyinza n'obuvunaanyizibwa nga bwebiri mu ndagaano y'Enkola, Eggwanga, Enzikiriza oba Eddiini. Emikolo egyo egikuuma amaanyi agatambuza obuyinza awamu n'okukkatiriza obuvunaanyizibwa, giyitibwa EMIZIZO.

Wabula emikolo gy'emizizo gibaako endagiriro y'ebisaanidde n'ebitasaanidde okukolebwa, ekiyitibwa OBULOMOLOMBO (procedural rules)

## 1.2 ENDAGAANO Y’ENNONO (OBA ENNYUNGIRIZO Z’EMPULIZIGANYA)

Mu mulembe gw’abayivu ensangi zino, abantu bakola endagaano ezissaawo enkola oba ENKOLAGANA ey’OBUNTUBULAMU, nga mulimu zino wammanga:

1. SSEMATEEKA (Constitution);
2. ENTEGEERAGANA (Memorandum of Understanding);
3. ENTABAGANA (Conventions);
4. OKUKKAANYA (Agreements)

Endagaano ng’ezo zikolebwa bantu, era zikyusibwa abantu, okusinziira ku mbeera n’endowooza zabwe awamu n’obwetaavu bwabwe.


Wabula waliwo Endagaano z’Emyoyo n’abantu ezatondawo OBUMU okukuuma OBUNTUBULAMU mu bantu abassa ekimu oba abakkaanya, nga:

1. Amawanga;
2. Enzikiriza;
3. Eddiini.

Endagaano z’Omwoyo tezikyusibwa; era tewali bantu oba muntu yenna alina maanyi, buyinza oba buvunaanyizibwa okuzikyuusa; nga bwekyaali ku lubereberye, bwekitekeddwa okuba nakaakano; era bwekiriba emirembe n’emirembe gyonna.

---

### ‘Eŋŋoma ‘Bweeza Kkola’




### Engoma y’Eŋŋonge ku Ŋŋango za Mujjamuguzo

BWEEZA! MUKISA! KKOLA!
OBWA MUKASA BWA SSALONGO, BW’ABALONGO!
OBWA NNALONGO BWA NDAWULA, BW’ABAANA!
OBWA MUWANGA NNYAGO, ATABAALA GW’AWA!
OBUGANDA ZAALI NTABAALO!
OBWEEZA BWA KATO KINTU!
OBWA SSAABASAJJA KKOLA!
BWEEZA KKOLA! BWEEZA MUKISA! …

## 2.0 EBYAFAAYO BY'OBUNTUBULAMU BW'OBUSIKA, OMUSIKA N'ENSIKIRANO MU GGWANGA LY'ABAGANDA

Obuntubulamu bw'Abaganda n'Obwakabaka bwabwe mu nsi Buganda, Olulyo lw'Abalangira gwe MUGANDA gw'EBYAMA BY'ENDAGAANO Y'OMWOYO; nga y'ENSIBUKO y'amaanyi g'ensikirano ya Nnamulondo, ogwebunguluddwa Ebyama by'obuyinza bw'OBUGANDA bw'Ebika. Ebyama by'Endagaano y'Omwoyo y'endagiriro y'obuvunaanyizibwa obusigirwa abazzukulu mu nsikirano, byebatekeddwa okukuuma obutiribiri. Obuntubulamu bw'Abaganda kwe kukolera awamu mu NSIKIRANO Z'OBUVUNAANYIZIBWA bwabwe; nnaddala okumanya obwetaavu bwa buli mwana n'omuzzukulu mu maka ne mu byalo, n'okutuusa ebyetaago wonna okuyimirizaawo obutonde bw'ensi, n'okuwanirira okwerinda abalabe, eddwadde n'obutamanya, naddala okutaasa abantu obulumbaganyi bw'entalo, ebbula ly'emmere nókukuuma eby'obugagga bwabwe.

Waliwo emitendera gy'emizizo n'obulombolombo emikukuutivu, nga gy'egikuumirwako obulambulukufu, obuntubulamu n'obutuukirivu bw'ensikirano, okuviira ddala ku lubereberye lw'Endagaano, okutuuka ku mulembe oguliwo n'okubikuuma obutengerera okubituusa ku mirembe egirijja; nga bwekyali ku lubereberye, bwe kitekeddwa okuba ne kaakano, era bwekiriba emirembe n'emirembe gyonna egirijja; kubanga "empande tebala binnyebwa"

### 2.1 ENTEEKATEEKA Y'OBUSIKA MU BAGANDA

Abaganda ly'Eggwanga eryatandikibwawo OBUMU okwanganga ebizibu ebyavanga ku bukyaayi, empalana, enge n'ettima mu bantu b'endyo ez'enjawulo. Abantu n'Omwoyo baakola Endagaano okutabaganya abantu, nga baluubirira okukuuma obutebenkevu n'okuyimirizaawo emirembe n'obuyinza mu bantu ab'ENDYO ez'enjawulo. Mu ntandikwa abantu baakola Endagaano ezaazimba obumu, okutondawo okwagalana n'okukuuma omukwano mu bantu abaali batakkaanya. Ebyama ebyo bwe BUSIKA obukwasibwa OMUSIKA mu NSIKIRANO z'EBIFUNDIKWA BYA NNAMULONDO, EMITUBA GYA BASSEKABAKA, OBUTAKA BW'EBIKA, N'ABAZADDE. Anti mu maka g'abaganda temuba kubo!

Mu ntandikwa waaliwo Omulongo Kato (Kintu) eyatandika EGGWANGA ly'Abaganda, eyakuba ebirayiro bibiri mu kifo ekimanyiddwa obulungi leero mu kibuga Entebe ku lusozi Nsamizi ku KYOTO ekyayitibwanga NNAWAMBWA. Omusajja eyatuumibwa erinnya lya Kayiira, nga yatuulanga ku mutala Bugabo mu Busiro, ye yavunaanyizibwanga okukuuma n'okulabirira olusozi olwo n'Ekyoto ekyo.

Kayiira yeyakongojja omulongo Kato (Kintu) okumujja ku mwalo Buyira, oluvannyuma lw'Omutaka Mugema okumwambaza Ekifundikawa ky'eddiba ly'Engo, okukakasa nti ye MULONDE w'OMWOYO anatandikirwako enkyukakyuka mu Muwawa, okutabaganya n'okukkakkanya obusungu bw'Endyo z'abantu abattingananga, olw'obukyaayi, empalana, ettima, enge n'emize emirala nkumu.

Ebirayiro ebyo biri bibiri (2):

- Ekirayiro ky'okukuuma ebyama;
- Ekirayiro ky'obuwulize eri ebiragiro by'ebyama.

**a) EKIRAYIRO EKY'OKUKUUMA EBYAMA:** Omulongo Kato (Kintu) yalayira eri Omu Oyo (OMWOYO) Asingiridde, ayitibwa Ttonda Ddunda oba Katonda, okukuumanga ebyama by'Endagaano z'Omwoyo okutabaganya Endyo z'abantu abawangaaliranga mu bukyaayi, empalana, enge n'emize emirala nkuyanja. Ekirayiro ekyasooka kigamba nti

"Ebigambo byonna byempulidde ku LUSOZI luno, byama byo gwe Omu Oyo (OMWOYO) Asingiridde; Ebyama byo Nsa, era ebyama bikuumibwa MMIZA; ENSA-MMIZI (NSAMIZI).."

**b) EKIRAYIRO EKY'OBUWULIZE ERI EBIRAGIRO BY'EBYAMA:** Omulongo Kato (Kintu) yalayira eri Omu Oyo (OMWOYO) Asingiridde, ayitibwa Ttonda Ddunda oba Katonda, okukuumanga ebiragiro by'Endagaano z'Omwoyo okutabaganya Endyo z'abantu, basobole okukolagana, okutegeeragana, okutabagana, n'okuteeseza awamu mu kukkaanya.

Ekiraayiro ekyokubiri kigamba nti

*"Ebigambo byonna byempulidde ku lusozi luno, by'ebiragiro byo gwe Omwoyo; byonna naabigonderanga, siribisosola era siribijeemera, kubanga byonna NSA, era byonna MMIRA, NSA-MMIRA (NSAMIRA)"*

Buli muntu eyalina enkizo mu kwenyigira mu ntabaalo z'Omulongo Kato (Kintu) yatandikirwako EKIKA oba OMUTUBA GW'ABALANGIRA BA BASSEKABAKA ng'akuba ebirayiro ebyo ku Lusozi Nsamizi. Endagaano ey'Obuwangiro bw'Eggwanga ly'Abaganda, mu birayiro ebyo ebibiri eri OMWOYO, y'ensibo n'ensibuko y'entandikwa y'ebyama ebikwasibwa Omusika mu KIFUNDIKWA ky'ensikirano y'Omuganda gw'Abalangira, n'ebyama by'ensikirano by'Obuganda bw'Ebika, Obutaka n'Amaka.

Endagaano z'ebyama by'Omwoyo zonna ezakolebwa bajjajjaffe zafundikibwa; era ne zirambikibwa mu BIFUNDIKWA by'ensikirano y'Amaanyi, Obuyinza n'Obuvunaanyizibwa bwa Nnamulondo, Emituba gya Bassekabaka n'Obutaka bw'Ebika. Ennambiko y'amaanyi g'Olulyo lw'Abalangira, yewanirira emirunngamyo gy'obuyinza bw'Ebifundikwa by'ebika n'Abazadde okukuumirwa endagiriro y'obuvunaanyizibwa bw'Abazuukulu bonna mu maka n'ebyalo.

Buli KIKA kyalambikibwako obubonero bw'obujulizi, okujjukiranga OBUZIRA, obwatukibwako mu ntabalo. Obujulizi obw'obuzira buyitibwa OMUZIRO gw'ekika, ate obujulizi obw'okutongozebwa buyitibwa n'AKABBIRO k'ekika.

## 2.2 ENTEGEKA Y'EBISAANYIZO BY'OMUSIKA MU BAGANDA

Omusika ye muntu akwasibwa obuvunaanyizibwa bw'obusika okukuuma ebyama by'ensikirano mu lulyo lw'Abalangira oba Ebika. Omuntu alondebwa okusika, atekeddwa okuba n'omutindo gw'EMPISA' nnaddala OBUNTUBULAMU, nga kye kisanyizo ekisookerwako okuwanirira enneeyisa y'obukulembeze bw'Omusika oba abazadde mu maka, mu lulyo lw'Abalangira oba Ebika:

i. Obwetowaze
ii. Obwesigwa
iii. Obwesimbu
iv. Obukkakkamu
v. Obujjumbize okutaawulula enkaayana z'abaana oba abazzukulu
vi. Obuwulize eri Obuwangwa n'Ennono
vii. Okwebuuza ku buli nsonga nga tannasalawo kyakukola
viii. Okuwuliriza n'okutabagana ne bebatakkaanya nabo

Omusika ateekeddwa okubeera ekyokulabirako ekirungi eri abantu bonna okusobola okukuuma ekitiibwa ky'obuvunaanyizibwa bwe eri abaana oba abazzukulu beyasikira n'abantu bawangaala nabo, nnaddala okuyitimusa ettutumu lya Nnamulondo, Olulyo lw'Abalangira n'Ebika byonna.

Wabula Omusika ateekeddwa okwewala emize gyonna, naddala Emize gino wammanga:

i. Okwegulumiza
ii. Obunyoomi
iii. Ejjoogo
iv. n'Embiibi

## 2.3 ENSENGEKAY'ENSIKIRANOZ'ENDAGAANOZ'ABAGANDAN'OMWOYO

Ensikirano zonna mu baganda zirambikibwa mu Busika, ne zirungamibwa ekifundikwa ekyambazibwa Omusika. Ekifundikwa ke kabonero k'ebyama by'endagaano ezakolebwa abo abatandika Olulyo lw' abalangira oba Ebika. Ensibo y'ebyama ebyakukulirwa mu bifundikwa, bikuumirwa ku butaka bw'ENNYUMBA. Ate Abasika b'ebifundikwa by'obutaka balondebwa ne bakakasibwa olukiiko lw'abaana b'omugenzi (bamulekwa), nga lukubirizibwa Omusika ow'Omusaayi gw'omugenzi oyo; naye nga balambikibwa, balungamizibwa, bawabulwa n'okutabagabanyiziwa bajjajjabwe abomu Nju y'omusaayi gw'omugenzi. Waliwo erinnya ly'ekifundikwa ettongole ku buli ensikirano y'Abataka oba Abalangira b'Emituba gya Bassekabaka; nga ly'erinnya ly'oyo eyatandikirwako ensikirano eyo; gamba Ekifundikwa ky'Omutuba gwa Ssekabaka Ssemakookiro oba Ekifundikwa kya Muwanga Ssebyoto Kisolo ow'Akasolya k'Ekika ky'Enngonge n'abalala.

## 2.4 OKUNENENNGANA, EMBIRANYE N'AKABAATE MU BUSIKA

Ensangi zino waliwo enkayana mu baganda, ng'Abataka n'Abalangira b'Emituba gya Bassekabaka baleebukana ne bazzukulu babwe. Waliwo abazzukulu abalumiriza bajjajjaabwe okuwabya ENNONO; so ate waliwo n'abazzukulu ab'egulumiza okumanya ENNONO okusinga bajjajjaabwe.

Newankubadde Abaganda tebaalina masomero okuyigiriza abaana baabwe, naye abazzukulu baasobola okunywerera ku ndagiriro y'obuwangiro bw'Eggwanga lyabwe; ng'abazadde bazaala abaana ne babakuliza ku mutindo gw'obugunjufu n'OBUNTUBULAMU okumala ebbanga erisuka emyaka olukumi (1000).


Bamagulumeeru bwe batuukka wano beewunya nnyo enkulaakulana n'obugunjufu bwe baasanga mu baganda; era ne bakungiriza nti "Buganda ly'ekkula ly'empisa ku lukalu lw'abaddugavu" (The Pearl of Africa) Wabula kati emyaka kikumi mu ataano (150) ng'abagwiira bataddewo amasomero n'amatendekero mu Buganda, naye empisa n'obuntubulamu zinaabuuse nnyo, era emize nkuyanja gibunye mu bantu.

Abaana bakaayanira eby'obugagga bw'abazadde baabwe, ate abazzukulu baweebuula bajjajjaabwe, nga babalumiriza obutajjumbira buwangwa bwabwe!

Awo nno ekiseera kituuse bajjajjaffe Abataka n'Abalangira b'Emituba gya Bassekabaka okuyimukirawo, okutaasa Eggwanga lyaffe, nga bazzaawo Obusika mu nsengeke z'ensikirano z'Ebifundikwa by'Endagaano z'olubereberye.

---

**'Eŋŋoma 'Bweeza Kkola'**




**ENGOMA Y'EŊŊONGE KU ŊŊANGO ZA MUJJAMUGUZO**

BWEEZA! MUKISA! KKOLA!
OBWA MUKASA BWA SSALONGO, BW'ABALONGO!
OBWA NNALONGO BWA NDAWULA, BW'ABAANA!
OBWA MUWANGA NNYAGO, ATABAALA GW'AWA!
OBUGANDA ZAALI NTABAALO!
OBWEEZA BWA KATO KINTU!
OBWA SSAABASAJJA KKOLA!
BWEEZA KKOLA! BWEEZA MUKISA! ...

## 3.0 ENTEEKATEEKA, ENTEGEKA N'ENSENGEKA Y'EBIFUNDIKWA BY'OBUSIKA, OMUSIKA N'ENSIKIRANO YA NNAMULONDO, OLULYO LW'ABALANGIRA N'EBIKA MU BAGANDA N'OBWAKABAKA OKUKUUMA OBUNTUBULAMU

Ekifundikwa ke kabonenero k'ennambiko y'ensikirano y'obusika oba ekyambalo ekyambazibwa Omusika okumukakasaako Obusika. Ekifundikwa bwe buyinza obuttuluddwa okuva mu maanyi g'endagiriro y'obuvunaanyiziwa bw'Abazzukulu bonna abakwatibwako ensikirano y'obusika obwo.

Obusika bwa mirundi ebiri:

a. Obusika obw'obuvunaanyizibwa bw'abantu abavudde mu bulamu bw'ensi, obuyitibwa OBUZAALE.

b. Obusika obw'obuvunaanyizibwa bw'Obuwereza bw'abantu eri Omwoyo, Abalongo oba Lubaale, obuyitibwa OBUZAALIRANWA.

(Waliwo n'obusika obw'abagabana eby'obugagga bw'omugenzi, naye abo tebayitibwa basika)

Obusika bulambikibwa mu BIFUNDIKWA bya mirundi ebiri:

a. Abasika b'ebifudikwa by'Obuzaale, balondebwa abagenzi mu KIRAAMO, EDDAAME oba ab'ennganda z'omugenzi.

b. Abasika ab'Ebifundikwa by'Obuzaaliranwa balondebwa Omwoyo, Abalongo oba Lubaale.

Abantu bonna abasikira obuvunaanyiziwa bambazibwa Ekifundikwa ky'obusika, ng'Akabonero k'obuyinza bw'ensikirano n'obuvunaanyizibwa bw'omusika.

### 3.1 OBUSIKA, OMUSIKA N'ENSIKIRANO Z'EBIFUNDIKWA BY'OBUZAALE

Abasika b'obuzaale abalondebwa abagenzi mu Kiraamo, Eddaame oba Abennganda z'omusaayi gw'omugenzi, bamirundi Ena (4):

1. Obusika, Omusika n'Ensikirano z'Ebifundikwa bya Nnamulondo;
2. Obusika, Omusika n'Ensikirano z'Emituba gya Bassekabaka
3. Obusika, Omusika n'Ensikirano z'Obutaka bw'Ekika;
4. Obusika bw'Obuzadde oba Amaka

A) Ebifundikwa by'Obusika, Omusika n'Ensikirano za Nnamulondo bya mirundi esatu (3), nga byonna byambazibwa Omusika omu yekka, okufuuka Kabaka:

a. Ekifundikwa ky'Eddiba ly'Engo y'Omulongo w'Obwakabaka, ekiyitibwa Ssaabalongo, ekikakasa okulondebwa kw'Omulangira okusikira Nnamulondo; nga y'ennyungirizo y'empuliziganya y'ensibuko y'Endagaano y'Omwoyo ekuumirwako EBYAMA ebiwanirira AMAANYI g'Omuganda gw'Olulyo lw'Abalangira okukkalira ku Nnamulondo.

b. Ekifundikwa ky'Olubugo oba Eddiba ly'Omusota Ensweera, ekiyitibwa SSAABATAKA ekikakasa obumu bw'OBUYINZA bw'Abataka eri Omulangira asikidde Nnamulondo; nga y'Ennyungirizo z'empuliziganya y'ensibuko y'Endagaano y'OBUMU okunyweeza obuwulize bw'Abataka, okuwanirira OBUYINZA bw'Obuganda bw'Ebika okuggumiza Nnamulondo.

c. Ekifundikwa ky'Ennyonjo y'Eddiba ly'Empologoma ekiyitibwa SSAABASAJJA, okutuula Nnamulondo oba ENTEBENKEZA NNAMIREMBE okulambikibwa Engule oba Enguugu

ku mutwe gwa KABAKA, okutebenkeza ensi n'abantu bonna; nga y'ennyungiriza y'empuliziganya eyolesa ensibuko y'obugundiivu, obugulumivu n'obutuukirivu bw'ebiragiro by'OBUVUNAANYIZIBWA bwa Kabaka eri Omuganda gw'Abalangira n'Obuganda bw'Ebika mu byalo.

B) Ekifundikwa ky'Obusika, Omusika n'Ensikirano z'Emituba gya Bassekabaka kiba kya murundi gumu:

- Abalangira Bakannabba bwe babakubira Enngoma "Bantadde", Omulangira abadde Katebe, atuuzibwa n'ayambazibwa Ekifundikwa okutandika Omutuba gwa Ssekabaka amuzaala, n'Abaana ababadde aba Mujaguzo.

C) Ebifundikwa by'Obusika, Omusika n'Ensikirano z'Obutaka bw'Ekika, biba bya mirundi ebiri (2); nga bissibwa ku bantu ba mirundi ebiri:

a. Ekifundikwa ky'Obusika, Omusika n'Ensikirano z'obuvunaanyizibwa bw'Obutaka bw'Ekika.

b. Ekifundikwa ky'obusika bw'Omusaayi gw'Amaka g'Omuzzukulu abadde avunaanyizibwa ku buyinza bw'Ekifundikwa ky'Obutaka.

D) Ekifundikwa ky'Obusika, Omusika n'Ensikirano z'Omusaayi biri bibiri:

- Ekifundikwa ky'Enju y'Omusaayi gwa bajjajja b'Omugenzi; Omukulu w'Enju asikira baana, tasikira bazzukulu. Eyasooka mu kifundikwa yasikira baana a kitaawe, ate abasika abaddako basikira abaana bonna aba kitaawe ne bajjajjabe bebasikira.

- Ekifundikwa ky'Obuvunaanyizibwa bw'omusaayi gwa Ssemaka oba Ekikubiro ky'Olubugo lw'omusika Omuzadde omukazi.

## 3.2 EBIFUNDIKWA BY'OBUSIKA, OMUSIKA N'ENSIKIRANO BY'OBUZAALIRANWA MU LULYO LW'ABALANGIRA

Abasika b'Ebifundikwa by'Obuzaaliranwa tebalondebwa bagenzi oba abantu. Wabula obutonde oba ennambiko y'obuvunaanyizibwa bwabwe mu balongo b'omusaayi gw'Omulangira akisizza ogwa Mugema. Waliwo n'abasika okulondebwa Omwoyo, oba Lubaale mu bika, okuweereza mu mbiri, ebiggwa, oba embuga z'emwoyo.

A) Ebifundikwa by'Obusika, Omusika n'Ensikirano z'Abalongo b'omusaayi gw'Omulangira abadde ku Nnamlondo, akisizza ogwa Mugema, biba bya mirundi ebiri (2), nga bissibwa ku bantu ba mirundi ebiri:

a. Ekifundikwa ky'Omulongo w'Omusaayi gw'Omulangira akisizza ogwa Mugema, ye KATEBE; nga yaabadde Omulangira omukulu (KIWEEWA) azaalibwa Kabaka akisizza ogwa Mugema.

b. Ekifundikwa ky'Abalongo b'Olubiri lwa Ssekabaka akisizza ogwa Mugema, nga ye Mumbejja LUBUGA (Nnalinnya) w'Olubiri lwa Ssekabaka akisizza ogwa Mugema.

## 3.3 EBIFUNDIKWA BY'OBUSIKA, OMUSIKA N'ENSIKIRANO BY'OBUZAALIRANWA MU BIKA

Abasika abalondebwa Omwoyo oba Lubaale mu Bika ba mirundu esatu (3):

- Abasiige mu mbiri za bassekabaka n'Embuga z'Omwoyo;
- Bakabona mu biggwa by'Omwoyo ku butaka bw'ebika n'Embiri za Bassekabaka;
- Abalogo (oba Abasawo) mu masabo abanoga eddagala n'okujjanjaba abantu abalina eddwadde ezitali zimu mu byalo.

Bamagulumeeru bwe bajja ne bassaawo Amasomero n’Amatendekero, Abaganda abamu baakyaawa obuzaaliranwa bwabwe, nga balowooza nti bwe banaava ku Buwangwa n’Ennono yaabwe (bamagulumeeru kye bayita oba kye balumiriza okubeera “SITAANI”), bajja kuyitimuka nnyo. Wabula eky’enaku, leero Kabaka Muwenda Mutebi II alajana nti talina buyinza; ate bajjajjaffe Abataka n’Abalangira b’Emituba gya Bassekabaka nabo beemulugunya nti tebalina Nkizo mu nsonga z’Obwakabaka. Yadde Abazzukulu bangi baweebwa obuvunaanyizibwa okukola emirimu gy’Obwakabaka, naye bajjajjabwe Abataka n’Abalangira b’Emituba gya Bassekabaka tebeebuzibwako.

Mu mbeera eyo Abaganda bangi beemulugunya nnyo nti bakabassanyizibwa LUBAALE, naye nga tewali webajja buweerero. Wabula waliwo bannamawanga bangi abakozesa obulimba, n’Abaganda abeefuula ABALOGO / ABASAWO bangi bavumaganya Obuwangwa n’Ennono y’Abaganda mbu bajjanjaba eddwadde ezeekuusa ku Lubaale, naye nga basiga mu bantu emize nkuyanja, n’okubabba eby’obugagga bw’abantu, nga n’okusaddaaka abantu tekubuzeeko.

Embeera eyo essaawo ebibuuzo bingi nnyo nnyini ddala!


- Bajjajjaffe Abataka n’Abalangira bwe baba tebeenyigira mu kulambika n’okulunngamya Obwakabaka, Kabaka asobola atya okuba n’OBUYINZA?
- Bajjajjaffe bwe baba tebavuddeeyo okununula obuyinza bwa Nnamulondo, kisoboka kitya okunyweza Olulyo lw’Abalangira n’Ebika okuggumiza ettutumu lya Nnamulondo n’okukuuma Ekitiibwa kya KABAKA?

Kituufu ddala ebintu bingi byasoba mu biseera ebyayita, naye OBUTAMANYA TEBULITUJJISAAKO MUSANGO, kubanga bulijjo tuwera mu maaso ga Nnamulondo: “Ayi Kabaka, gw’Engo, Ssebuufu bwa Ngo; gwe Musota, Ssebunnya bwa Musota; era gw’Empologoma, Nantasongwamu Lunwe. Siri kuutiiririra; w’oligwa wendigwa”

Awo nno ekiseera kituuse okulondoola EMIZIZO N’OBULOMBOLOMBO bw’Obusika, kisobozese Abasika okulambulula obutuukirivu bw’Ensikirano zonna.

---

## ‘Eŋŋoma ‘Bweeza Kkola’




## Engoma y’Eŋŋonge ku Ŋŋango za Mujjamuguzo

BWEEZA! MUKISA! KKOLA!
OBWA MUKASA BWA SSALONGO, BW’ABALONGO!
OBWA NNALONGO BWA NDAWULA, BW’ABAANA!
OBWA MUWANGA NNYAGO, ATABAALA GW’AWA!
OBUGANDA ZAALI NTABAALO!
OBWEEZA BWA KATO KINTU!
OBWA SSAABASAJJA KKOLA!
BWEEZA KKOLA! BWEEZA MUKISA! ...

## 4.0 EMIKOLO OBA EMIZIZO N'OBULOMBOLOMBO BW'OKUZIIKA OMUFU N'OKUKAKASA OMUSIKA

Mu bitonde byonna waliwo okuzaalibwa oba okumeruka mu bazadde oba ensigo. Wabula mu bantu waliwo enteekateeka, entegeka n'ensengeka y'okuzaalibwa, okulabirira, okukuza, okugunjula, n'okutendeka abaana mu maka ne mu byalo. Mu bulamu bw'abantu, bangi bakola nnyo okuyimirizaawo obulamu, ne bafuna abaana n'abazzukulu awamu n'ebyobugagga nkuyaja; wabula ebitonde byonna birina ekkomo ly'obulamu, era bifa ne biggwaawo.

Mu ggwanga ly'Abaganda omuntu azadde abaana bw'afa, obuvunaanyizibwa bwe busikirwa; ate eby'obugagga bwe ne bigabanibwa abaana be n'abantu omugenzi baasiimye okubigabanako.

Waliwo emikolo egiyitibwa EMIZIZO n'OBULOMBOLOMBO, egikolebwa okuziika n'okukakasa omuntu okubeera Omusika w'Omugenzi. Mu Bika n'Olulyo lw'Abalangira, Omuntu bw'afa, Abantu bategeezebwa, era n'Aziikibwa ku bijja bya Bjjajjabe, ku mutala gw'Enju y'omusaayi gw'abazadde be ku Kika kye. Wabula Omulangira abadde ku nnamulondo bw'akisa ogwa Mugema, emizizo n'obulombolombo ebikolebwa bya njawulo nnyo ku bika n'Abalangira b'Emituba gya bassekabaka.

### 4.1 EMIZIZO N'OBULOMBOLOMBO OBUTUUKIRIZIBWA OKUBIKA N'OKUZIIKA MU LULYO LW'ABALANGIRA N'EBIKA BY'ABAGANDA:

i. Omujjwa okukuma OGWOTO mu lujja;
ii. Okubikira Omulongo;
iii. Okusuza Bbazinga mikono (abafiirwa);
iv. Okuwa n'okukunnganya amabugo;
v. Okusima entaana;
vi. Okuziribaga oba okunaaza omufu;
vii. Okuzinga omufu;
viii. Okwogera ebyafaayo by'omugenzi;
ix. Okuwa obubaka bw'okusiibula omugenzi;
x. n'Okuziika omufu.

(WABULA ABAGANDA TEBALAGA MUSIKA NGA BAKYAKUNGUBAGIRA OMUGENZI)

Okuziika nga kuwedde, ab'Enju y'omugenzi basigalawo, okubudaabuda bamulekwa ne bannamwandu, era ne bakola bino wammanga:

i. Okulonda abavunaanyizibwa okulabirira, okukuuma n'okutabaganya amaka g'omugenzi;
ii. Okubuulirira bannamwandu ne bamulekwa oba okubikka omwenge gw'essumwa;
iii. Okulondoola ezzadde ly'omugenzi yonna gyebali oba gye yabaleka;
iv. Okukunnganya eby'obugagga by'omugenzi, awamu n'endagaano z'amabanja geyaleka;
v. Okulonda abanavunaanyizibwa okutambuza n'okulaga oba okulanga ebiseera by'okwabya olumbe.

Enteekateeka y'okubudaabuda abafiirwa, namwandu ne bamulekwa tesuka nnaku mwenda (9)

## 4.2 EMIZIZO N'OBULOMBOLOMBO OBUTUUKIRIZIBWA MU OKUBIKA N'OKUTEREKA ENJOLE Y'OMULANGIRA AKISIZZA OGWA MUGEMA, AWAMU N'OKUKAKASA OMULANGIRA ANADDA KU NNAMULONDO:

i. Omuzaana Nnakku okuzikiza Ekyoto Ggombolola mu Lubiri;

ii. Omutaka Mugema okuvuunika Enngoma n'okubikira Abaganda, Obuganda n'Obwakabaka;

iii. Okubikka AKABUGO ku Njole;

iv. Omutaka Kasujju Lubinga okukunnganya n'okukuuma obutiribiri Abalangira ababadde ab'Enngoma;

v. Okuzza Namasole n'Enteeko y'Omulongo wa Ssekabaka azaala Omulangira akisizza ogwa Mugema;

vi. Okulaga Omulangira anaasikira Nnamulondo;

vii. Okugema Abalangira Bakanabba;

viii. Okukubira Abalangira ba Mujaguzo Enngoma Bantadde;

ix. Okutereka Enjole;

x. Okutuuza Omulangira asikidde Nnamulondo mu KIFUNDIKWA KYA SSAABALONGO;

xi. Abalangira b'Emituba gya Ssekabaka 'OKUVUMA' oba okubuulirira Omulangira alondeddwa okutandika Obwakabaka bwe.

xii. Okukkaliza Enteeko y'Omulongo wa Ssekabaka azaala Omulangira asikidde Nnamulondo, n'okutuuza Nnamasole mu Mbuga ya KIBAALE;

xiii. Okukwasa Lubuga Enteeko y'Abalongo ba Mujaguzo n'obuvunaanyizibwa bw'Olubiri oba Amasiro ga Ssekabaka aterekeddwa;


xiv. Omulangira asikidde Nnamulondo afuluma amasiro ga kitaawe okugenda okutabaala olutalo lw'EBIRUMBIRUMBI;

xv. Abataka Abakulira Obusolya bw'Ebika okutuuza n'okukakasa Omulangira ALONDEDDWA mu buvunaanyizibwa bwa SSAABATAKA;

xvi. Okutuuza KABAKA ku Nnamulondo, okukwasibwa obuvunaanyizibwa bwa SSAABASAJJA mu Bwakabaka bw'Abaganda.

---


**'Eŋŋoma 'Bweeza Kkola'**




**ENGOMA Y'EŊŊONGE KU ŊŊANGO ZA MUJJAMUGUZO**

BWEEZA! MUKISA! KKOLA!
OBWA MUKASA BWA SSALONGO, BW'ABALONGO!
OBWA NNALONGO BWA NDAWULA, BW'ABAANA!
OBWA MUWANGA NNYAGO, ATABAALA GW'AWA!
OBUGANDA ZAALI NTABAALO!
OBWEEZA BWA KATO KINTU!
OBWA SSAABASAJJA KKOLA!
BWEEZA KKOLA! BWEEZA MUKISA! ...

## 5.0 OMUTETENKANYIRIZO (SYSTEM) Y'OBWAKABAKA (ENNYUNGIRIZO Z'EMPULIZIGANYA Z'OMUGANDA GW'ABALANGIRA, OBUGANDA BW'EBIKA N'OBWAKABAKA)




Kabaka ye DDOBOOZI ly'obuyinza bw'Abaganda bonna. Anti "Kabaka asiimye, ng'Abataka be balambise Ssaabataka; ate Abalangira ne balungamya Ssaabalongo."

Ensangi zino waliwo obugulumbo, embiranye, emirerembe, okunenenngana, obusambattuko, n'obubbinkano mu mitendera gy'empuliziganya ya Kabaka, Nnamulondo, Olulyo lw'Abalangira, Ebika n'Abaami ba Kabaka. Wabula waliwo OMUTENTENKANYIRIZO (SYSTEM) etambulizibwako amaanyi, obuyinza n'obuvunaanyizibwa mu Baganda bonna n'abantu bonna abawangaalira mu Buganda.

### 5.1 MU BUWANGWA BW'ABAGANDA NE KABAKA:

- Akamu mu Busatu;
- Obusatu mu Nnabasatwe;
- Nnabasatwe mu Bwesedde.

a. Kabaka ye Akamu mu Busatu, ekitegeeza obubonero obumunywerezaako Endagaano z'Omwoyo ezakkaanyizibwako bajjajjaabe, nga kye kiyitibwa AMASIGA GA NNAMULONDO:

- Amaanyi g'Ekifundikwa kya Ssaabalongo
- Obuyinza bw'Ekifundikwa kya Sssaabataka
- n'Obuvunaanyiziwa bw'Ekifundikwa ky'Enguugu oba Engule ya Ssaabasajja.

b. Kabaka ye Obusatu mu Nnabasatwe, ekitegeeza Obumu bw'Omuganda gw'Olulyo lw'Abalangira, Obuganda bw'Ebika n'Okukolera awamu mu bulamuzi bw'Obwakabaka omuli:

- Embuga ya Ssaabalongo AMASENGERE;
- Embuga ya Ssaabataka KISEKWA;
- n'Embuga ya Ssaabasajja EKITIKKIRO

c. Kabaka ye Nnabasatwe mu Bwesedde, ekitegeeza okuteeseza awamu mu kukkaanya kw'Abaana n'Abazzukulu bonna mu Lulyo lw'Abalangira n'Ebika, nga be bavunaanyizibwa okulambika n'okulunngamya buli nsonga atekeddwa okukolebwaako Obwakabaka.

i) Ennyungirizo z'Empuliziganya y'Ebika okulambika Obwakabaka:

- Enkiiko z'Abaana mu Maka
- Enkiiko z'Omusaayi gw'Enju
- Enkiiko z'Abazzukulu ku Butaka
- Enkiiko z'Akasolya k'Ekika
- Olukiiko lw'Abataka Abakulira Obusolya bw'Ebika
- Embuga ya KISEKWA
- Ssaabatataka
- Olukiiko lwa Buganda
- Nnamulondo
- Kabaka

(Okuva wansi okudda waggulu)

ii) Ennyungirizo z'Empuliziganya y'Abalangira b'Emituba gya Bassekabaka okulunngamya Obwakabaka:

- Enkiiko mu Maka
- Enkiiko z'Abaana b'Omusaayi gw'Enju
- Obutaka bw'Ennyumba
- Obutaka bw'Olujja
- Obutaka bw'Omutuba gw'Abalangira Omuto
- Olukiiko lw'Omutuba gwa Ssekabaka
- Enkiiko z'Abalangira Abakulu b'Emituba gya Bassekabaka
- Embuga y'Amasengere
- Ssaabalongo
- Olukiiko lwa Buganda
- Nnamulondo
- Kabaka

(Okuva wansi okudda waggulu)

## 5.2 ENNYUNGIRIZO Z'EMPULIZIGANYA Y'ABAAMI BA KABAKA OKUSSA MU NKOLA EBIRAGIRO BY'OBWAKABAKA

Abataka be balina okusigira Kabaka, abazzukulu babwe okukola emirimu gy'Obwakabaka gyonna, ng'ABAAMI ba Kabaka.

Abalangira b'Emituba gya Bassekabaka n'Abataka b'Obusolya bw'Ebika be batuula mu Lukiiko lwa Buganda okukakasa nti "ebiragiro bya Kabaka binywerezebwa ku nnambiko y'Abataka n'emirunngamyo gy'Abalangira".

Okuteesa mu lukiiko lwa Buganda kwe kuwabula eri Ssaabasajja okussa mu nkola ebiragiro bya Kabaka. Mu Nnono y'Abaganda, ebitesebwa mu Nkiiko z'Abataka bittululwa okuva mu mu bwetaavu bw'Abazzukulu, okuviira ddala wansi mu byalo, okuyitira mu:

- Amaka
- Enju
- Obutaka bw'Ennyumba
- Olujja
- Olunyiriri
- Omutuba
- Essiga
- Akasolya k'Ekika
- Olukiiko lw'Abataka
- Embuga ya Kisekwa
- Ssabataka
- Olukiiko Lwa Buganda
- Nnamulondo
- Kabaka

Byonna ebiteeseddwa Ebika birunngamizibwa Olukiiko lw'Abalangira, Ssaabalongo n'Embuga y'Amasengere; n'oluvannyuma ne biteesebwa mu Lukiiko lwa Buganda.

Byonna ebikanyiziddwako mu Lukiiko lwa Buganda bye biba ebiragiro bya Kabaka ebikwasibwa Ssaabasajja okubissa mu nkola.

Ssabasajja mu mbuga ye EKITIKKIRO, alagira Katikkiro okutuusa ebiragiro ebyo eri abantu bonna mu byalo, okuva waggulu okutuuka wansi mu maka ne mu byalo, okuyitira mu mitendera gino wammwanga:

- Kabaka;
- Nnamulondo;
- Olukiiko lwa Buganda;
- Ssaabasajja;
- Embuga y'EKITTIKIRO;
- Katikkiro n'Olukiiko lwe (Cabinet);
- Abakungu b'Ebitongole;
- Abamasaza;
- Abamagombolola;
- Ab'emiruka n'Embuga ya Kabaka EKITAAWULUZI;
- Abatongole n'Embuga y'Abatuuze, EKIGANGO ky'Ekyalo;

(OKUVA WAGGULU OKUDDA WANSI)

## 5.3 EKIROWOOZO ERI BAJJAJJAFFE OKUTEEREZA EBYABASOBAKO

Kyataagisa nnyo okutereeza Ennono oba ennyungirizo y'empuliziganya y'Abaganda n'Obwakabaka bwabwe, okudda ku buwangiro bw'Ennono y'Olubereberye.

Enteekateeka, entegeka n'ensengeka y'ennyungirizo y'empuliziganya ekuumirwa ku byama by'obusika ebyalambikibwa mu kifundikwa ekyambazibwa omusika, okuvunaanyizibwa ku nsikirano z'abagenzi, Abataka, Abalangira ne Kabaka.

Obulabe obwolekedde Abaganda n'Obwakabaka, bwe butakuuma Ebifo by'Obuwangwa n'Ennono, n'obutamanya byafaayo byaffe. Abazzukulu bangi ng'Abasika mu nsikiraro z'Ebifundikwa n'abo abaweebwa obuvunaanyizibwa ng'Abaami ba Kabaka kibeetagisa nnyo okukolera awamu okunoonyereza n'okumanya ekituufu era kisaanidde okukolerewa.

Awo nno kiba kya buvunaanyiziwa nnyo bajjajjaffe Abataka n'Abalangira b'Emituba gya Bassekabaka okussaawo emisomo n'okusikiriza bajjajjaffe Abataka, Abalangira b'Emituba gya Bassekabaka, Abaami ba Kabaka n'abantu bonna okujeetabamu, basobole okumanya, okutegeera n'okukuuma ebyafaayo by'Obuwangwa n'Ennono y'Abaganda n'Obwakabaka mu Mbiri, Obutaka, Ebiggwa n'Embuga z'Omwoyo.

Emisomo gyegijja okusobozese abantu okutumbula eby'obugagga ebiri mu by'obulambuzi by'Ebifo by'Obuwangwa n'Ennono, n'okuyitimusa ebyenfuna mu Bika, Olulyo lw'Abalangira, Obwakabaka n'Abantu bonna; anti nga bwe kyaali ku lubereberye, bwe kitekeddwa okuba leero, era bwekiriba emirembe n'emirembe gyonna. Eyo y'Ennono y'Abaganda n'Obwakabaka bwaffe; Bannaddiini n'Enzikiriza endala nabo balina ebyabwe.

Bajjajjaffe Abataka n'Abalangira b'Emituba gya Bassekabaka bateekeddwa okubunya emisomo mu Buganda wonna okutumbula Abazzukulu okumanya n'okutegeera Obuwangwa n'Ennono y'Abaganda n'Obwakabaka.

Ebisaanyizo by'Omuzzukulu okulondebwa ku bwaami bwa Kabaka yalisaanidde okusooka okusembebwa bajjajjabe; ate ng'atekeddwa okuba n'obujulizi bw'ebiwandiiko ebiraga nti yenyigira mu misomo egyo. Enteekateeka, Entegeka n'Ensengeka ennungi ey'Emisomo mu Masaza, Amagombolola, Emiruka n'Ebyalo byonna, ejja kuyamba okukkatiriza Empisa n'Obuntubulamu mu Bantu bonna abawangaalira mu Buganda; era Emisomo egyo gyegijja okutabaganya endowooza n'Enzikiriza ez'enjawulo mu bantu b'amawanga ag'enjawulo abawangaalira mu Buganda, okubasobozesa okukolera awamu okukuuma omutindo gw'embeera z'Abantu, awatali kubasosola, wabula nga buli omu awa ekitiibwa enzikiriza n'endowooza ya munne.

Singa Abazzukulu abawebwa Obwaami bwa Kabaka basooka okusembebwa n'okusengejjebwa bajjajjabwe, KIJJA KUSIKIRIZA NNYO ABAZZUKULU ABAYIVU MU BIKA N'OLULYO LW'ABALANGIRA OKUJJUMBIRANGA OKUKULAAKULANYA N'OKUNOONYEREZA EBYAFAAYO BY'OBUWANGWA N'ENNONO Y'ABAGANDA N'OBWAKABAKA KU BUTAKA, EMBIRI, EBIGGWA, EMBUGA Z'OMWOYO.

Wabula leero kyennyamiza era kyewunyisa nnyo nga bannaddiini n'abazzukulu abayivu bavumirira Obuwangwa n'Ennono y'Abaganda n'abantu abasibuka mu Africa; ate abayivu ng'abaana b'omuddugavu abayiseeko mu masomera n'amatendekero g'obukugu awamu ne bannabyabufuzi, tebafaayo ku mbeera y'Obuwangwa n'Ennono z'Amawanga gabwe.

Ddala lwaaki bannaddiini n'abayivu ng'Abaganda bakaka abantu bonna okutendereza, okugulumiza n'okusinza endowooza z'abagwiira bamagulu meeru, ezitali z'Amawanga g'Abaddugavu, ne watassibwawo mateeka gabakugira okuvvoola, okutyooola oba okuweebuula, enzikiriza oba endowooza z'Obuwangwa n'Ennono za bannansi?

Ayi Kabaka Wangaala.

Katwere Musajjaakaawa

MUZZUKULU WA MUWANGA SSEBYOTO KISOLO E BWEZA MU BUSUJJU

(KATIKKIRO WA KABAKA KATO KINTU)




## *EBYAFAAYO BY'ENSI BUGANDA*

*Edda ennyo waliwo ekitundu ky'Ensi eKyayitibwanga MUWAWA, nga kifugibwa Olulyo lw'Abacwezi. Bamagulumeeru, bwe bajja wano, obufuzi obwo babutuuma "BACWEZI DYNASTY IN BUNYORO-KITARA EMPIRE."*

*Bunyoro ky'ekitundu ekyali mu bugwanjuba okuliraana Ennyanja Muttanzige (Lake Albert), ate Kitara (Kitala) ky'ekyali mu buvanjuba, okuliraana, Ennyanja Nalubaale (Lake Victoria).*

*Abalongo baazalibwa, Wasswa ne Kato; Wasswa n'asikira Bunyoro-Kitara Empire.*

*Wabula waliwo okulwanagana wakati wa Wasswa ne Kato;*

*era Kato n'awamba ekitundu kya Kitara, n'atandika ensi leero eyitibwa Buganda.*

*Essaza eryasooka okufugibwa Kato liyitibwa Busiro. Oluvanyuma Kato yayongera okutabaala muganda we Wasswa, okutuusa lweyaweza Amasaza 20. Wabula mu mwaka gwa 1963-64, Bunyoro (Wasswa) ng'ayitira byobufuzi ebyawamu, nga Uganda emaze okwefuga, wassibwawo AKALULU ke kikungo, Bunyoro (Wasswa) ne yeddiza Amasaza 2;*

*Buganda (Kato() n'esigaza Amasaza 18.*

# OLUKIIKO LW'ABATAKA ABAKULU AB'OBUSOLYA



## OMUSOMO KU NNONO, OBUWANGWA N' EMPISA

**Omulamwa: Obusika mu Buganda Musingi gwa Buntubulamu**

**Nga 27|10|2023 Mu Lubiri e Mengo**

**Okutandika Ku Ssaawa Bbiri Kumakya**

**Weefunire Kaadi Yo ku Shs 20,000 Zokka**

**Essimu: 0772 444 789 (Omukubiriza) / 0703 567 943 (Sentebe)**

cbs bbs Majestic Brands ABATAKA TRUST